
BUUZA OMUSAWO

# By'olina okumanya ku mpiso egema akawuka ka siriimu

NGA omu ku kaweefube w'okulinnya akawuka ka siriimu ku nfeete, ekitongole kya Uganda AIDS Commission ekikulirwa Dr. Nelson Musoba, essira ku mulundi guno kisinze kulissa ku mpiso egema akawuka ka siriimu nga empiso eno baatandika okugikozesa ku bantu abamu.



Dr. Nelson Musoba, Dayirekita UAC.

**Empiso eziyiza akawuka ka siriimu ekola etya?**
Empiso eno ekola okumala ebbanga ggwanvuko era eyitibwa 'long -acting injectable Prep (lenacapavir). Nga eddagala lino likolwa okuva mu America nga kwe twesigamye nga emu ku nkola ezigenda okutuyamba okulaba ng'olutalo lw'okumalawo siriimu tululinnya ku nfeete we tunaatuukira mu mwaka gwa 2030.

Empiso eno ekubwa omuntu emirundi ebiri mu mwaka era nga we twogerera eddagala lino tumaze okulibunyisa amalwaliro agasukka mu 600 okwetooloola eggwanga.

**Naye tubadde n'enkola nnyingi ezitangira siriimu nga muno mubaddemu n'okumira empeke za PEP kati zo enkola zino mwazidibizza?**
Tetwazidibizza naye enkola ya PEP ekola omaze kufuna buzibu oba okuteebereza nti, omuntu gwe weegasse naye yandiba alina akawuka ka siriimu, era nga eddagala eryo obadde olimira nga essaawa 72 tezinnayitawo okuva lwe wabadde n'omuntu oyo.

Eky'enjawulo ekiri ku mpiso eno eya 'Lenacapavir' kiri nti, bw'oba wagifuna ne bwe weegatta n'omuntu nga mulwadde ggwe obeera togenda kufuna kawuka.

Enkola eno egenda kuyamba kubanga mu mwaka gwa 2024, abantu abaakwatibwa akawuka baali 37,000 era nga okusinga baali bakyala n'abavubuka naye singa bano baali baafuna empiso eno guno omuwendo tegwandibaddewo.

**Naye eddagala lino si lya buseere ekiyinza okutaataaganya abaagala okulifuna?**
Empiso eno si ya bbeeyi nnyo okugeza, singa omuntu aba agifunye gavumenti eba emumaliddeko 140,000/- omwaka, naye ate omuntu bw'aba yafuna akawuka ng'amira ddagala buli lunaku, gavumenti emusaasaanyizaako wakati wa 700,000/- ne 800,000/- buli mwaka.

**Mutunuulidde bantu babeera mu bitundu ki abasaanye okusooka okufuna empiso eno?**
Okusinga tutunuulidde ebitundu omuli abantu abangi akawuka gye kasinga okwegiriisiza ne mu disitulikiti ezimanyiddwa nga siriimu gy'asinga okubatawaanya.

**Birungi ki omuntu by'asaanye amanye ku mpiso okusinga ku mpeke eziriwo?**
Empiso eno teteeka muntu ku bunkenke, kubanga ekubwa emirundi ebiri gyokka mu mwaka, ekitakaluubiriza nga omuntu amira eddagala eriweweeza ku kawuka ka siriimu buli lunaku.

Ate era gwe bagikubye tabeera na kutya ng'abamira eddagala bwe batya okubalaba nti, lye baliko.

**Olwo ekigendererwa mu kino kiki ?**
Okunonyerezza kulaga nti 100% empiiso eno etangira omuntu obutafuna kawuka singa ebera emukubiddwa bulungi mu butuufu bwayo era nga tulaba abantu abali wakati 30-40 ku 100 abalabibwa nga bamira eddagala bagenda kukendera.kubanga empiiso eno etangira omuntu obutafuna kawuka ekigenda okuyamba munnayuganda obutakwatiibwa kawuka obulamu bwe bwonna.

**EBIBUUZO BIDDIDDWAAMU Dr. Nelson Musoba Director General – Uganda AIDS Commission. Ne bikung'aanyizibwa KHASIFAH NAAVA.**